



اممول ہیرے (Luganda)

Dayamandi Atagulika



Shaykh-e-Tariqat Amir-e-Ahl-e-Sunnat ng'ono ye
mutandisi wa Dawat-e-Islami Aillamah Maulana Abu Bita

MUHAMMAD ILYAS
Attar Qadiri Razavi رحمۃ اللہ علیہ



آنمول ہیرے

Anmol Heeray

DAYAMANDI ATAGULIKA

Ekitaboo kino kyawandiikibwa mu lulimi olu Urdu Shaykh-e-Tariqat Amiir-e-Ahl-e-Sunnat, ng'ono ye mutandisi wa Dawat-e-Islami Allamah Maulaana Abu Bila Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi دَاعِوَتِ بَرَكَاتُہُمُ الْعَالِیَہ. Olukiiko oluvunaanyizibwa ku mulimu gwokuvvuunula nalwo lusazeewo okukivvuunula mu lulimi olungereza. Bw'osangamu ensobi yonna mukuvvunula, tegeeza olukiiko kundagiriro eno wammanga n'ekigendererwa ekyokufuna empeera.

Majlis-e-Tarājim (Dawat-e-Islami)

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagran,
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

UAN: ☎ +92-21-111-25-26-92 – Ext. 1262

Email: ✉ translation@dawateislami.net

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

E Duwa Y'okusoma Ekitabo

Soma e Duwa eno nga tonnatandika kusoma kitabo kyonna eky'eddiini oba omusomo gwonna ogw'eddiini. Kino kijja kukusobozesa okujjukira byonna byosomye:

اللَّهُمَّ افْتَحْ عَلَيْنَا حِكْمَتَكَ وَاَنْشُرْ
عَلَيْنَا رَحْمَتَكَ يَا ذَا الْجَلَالِ وَالْاِكْرَامِ

Okuvvunula

Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ owekitiibwa, Tuggulirewo olujji l'wokumanya n'okutegeera, era obe n'ekisa wamu nokusaasira gyetuli. Mazimaddala Ggwe asinga ekitiibwa, era wasukkuluma.

(Al-Mustatraf, vol. 1, pp. 40)

N.B: Saalira Nabbi ﷺ nga tonnasoma Duwa eyo, n'era nga ojimalirizza.

Transliteration Chart

| | | | | | |
|---|-------|---|-------|-----------|------|
| ء | A/a | ڑ | Ř/ř | ل | L/l |
| ا | A/a | ز | Z/z | م | M/m |
| ب | B/b | ژ | X/x | ن | N/n |
| پ | P/p | س | S/s | و | V/v, |
| ت | T/t | ش | Sh/sh | | W/w |
| ٹ | Ĥ/ĥ | ص | Ş/ş | ه / ه / ة | Ĥ/ĥ |
| ث | Š/š | ض | Ḍ/ḍ | ی | Y/y |
| ج | J/j | ط | Ṭ/ṭ | ے | Y/y |
| چ | Ch | ظ | Ẓ/ẓ | َ | A/a |
| ح | Ḥ/ḥ | ع | ‘ | ُ | U/u |
| خ | Kh/kh | غ | Gh/gh | ِ | I/i |
| د | D/d | ف | F/f | و مدہ | Ū/ū |
| ڈ | Ḍ/ḍ | ق | Q/q | ی مدہ | Ī/ī |
| ذ | Ẓ/ẓ | ك | K/k | ا مدہ | Ā/ā |
| ر | R/r | گ | G/g | | |

Olukalala lwebiri mu Kitabo

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ط

DAYAMANDI ATAGULIKA*

Obulungi bwa Şalât-‘Alan-Nabî ﷺ

A’lā Ḥaḍrat, Imām-e-Aḥl-e-Sunnat Maulānā Shāḥ Imām Aḥmad Razā Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمَنِ yawandiika ku lupapula 122 olwa voliyumu 23rd eya *Fatāwā Razawīyyah*: Sayyidunā Abul Mawāḥib رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَنْهُ yagaamba, ‘Nalaba Omwaagalwa Nabbi صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ mu kirooto kyange. Rasūlullāh صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yangamba, ‘Oja kuwolereze abantu 10,000 ku lunaku lwa kiyaama.’ Nabuuza, ‘Yā Rasūlallāh صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ! Nnafuna ntya ekitiibwa ekinene bwekityo? Rasūlullāh صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ ‘Kubanga osoma Şalāt (onsaalira) era nompeereza empeera yaazo.’ (*Aḡ-Ṭabqāt-tul-Kubrā lish-Sha’rānī*, pp. 101)

Mu kuweereza empeera, nuyirira okuweereza empeera mu mutima gwo ng’osoma Şalāt-‘Alan-Nabī, oba gamba, ‘Mpeereza

* Kuno okubuulirirwa kwaaliwo mu Ijtimah ey’ennaku 3 eyategekebwa Dawat-e-Islami mu Saḥrā-e-Madīnah, Bāb-ul-Madīnah, Karachi ku 25 Şafar-ul-Muzaffar, 1430 AH – 2009. Kuteereddwa mu buwandiike n’enkyuusakyuusa wano ne wali.

empeera ya Şalât eno eri Omwagalwa Rasûl صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ
nga tonaba oba ng'omaze okusoma Şalât-'Alan-Nabi.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Kigambibwa nti lumu kabaka omu yali ayita mu nnimiro n'abanywanyani be nebalaba omuntu akasuka obuyiinja; akayiinja akamu kakuba ne kanaka. Yalagira abaddu be baleete oyo abadde akasuka obuyiinja. Abadde baleeta munakyaalo.

Kabaka yabuuza, 'Obuyiinja buno wabujeewa?' Ono munakyaalo atiisiddwa yaddamu, 'Nalabye abuyiinja buno obunyirira nga ntaambula mukifo ekimu ekyeyawuliride, nembuteeka mu nsawo yange; bwenatuuse mu nimiro eno nakozesezza obuyiinja buno okuwanula ebibala okuva ku miti.' Kabaka yabuuza, 'Omanyi ebeeyi y'obuyiinja buno?' Yaddamu, 'Nedda'. Kabaka nagamba, 'Buno obuyiinja obutono bubadde dayimondi atagulika era omwoononye mu busiru.'

Nga awulidde kino, munakyaalo yejjusa nnyo naye okwejjusaa kwe kwaali tekugasa kubanga yali abuziza dayamandi ono atagulika bubeerera.

Ebiseera by'obulamu dayamandi atagulika

Ab'oluganda abasiraamu! Mungeri yeemu ebiseera by'obulamu bwaffe nabyo dayamandi atagulika. Bwe tubyonoona mubitagasa, tetuja kusigaza kirara wabula ennaku n'okwejjusa ku lunaku

Iw'enkomerero. Allah عَزَّوَجَلَّ asindise abantu ku nsi eno akaseera akagere okutuukiriza ekigeendererwa. Nolweekyo, kiyogeddwa mu Sūrah Al-Mu`minūn, ayaa eya 115, ejjuzu eya 18:

أَحْسِبْتُمْ أَنَّمَا خَلَقْنَاكُمْ عَبَثًا وَأَنْتُمْ إِلَيْنَا لَا تُرْجَعُونَ ﴿١١٥﴾

Kati mutegedde tetwaabatoonda mu butanwa, era temuri bakutuddira?

So do you think that We have created you needlessly, and that you do not have to return to Us?

[Kanz-ul-Īmān (Envzivvuunula ya Quran)] (Ejjuzu18, Al-Mu`minūn, aya eya 115)

Ku bikwaata ku ayaa eno, kiwandikidwa mu *Khazāin-ul-'Irfān*: 'Temuuzukizibwe okuweebwa empeera ku lunaku olwokulamula / olwenkomerero! Mwaatoondebwa kusiinza era ekyo kyatteeka gyemuli. Bwe mu mala okutuddira, mujja kusalulwa olw' emirimu gyamwe. Mu kunyonyla ekigeendererwa eky' okutoonda obulamu n'okufa, kigambiddwa mu Sūrah Al-Mulk, ayaa eya 2, ejjuzu eya 29:

الَّذِي خَلَقَ الْمَوْتَ وَالْحَيَاةَ لِيَبْلُوَكُمْ أَيُّكُمْ أَحْسَنُ عَمَلًا ۗ

Oyo eyatoonda okufa n'obulamu okubagezesa-ani mu mmwe asiinga mu mirimu emirungi.

The One Who created death and life that you may be tested – as to which of you is better in deeds.

[Kanz-ul-Īmān (Enzivvuunula ya Quran)] (Part 29, Sūrah Al-Mulk, ayaa eya 2)

Obulamu buumpi

Ab’oluganda abasiraamu! Ng’ovudde ku ayaa zino ebbiri, ekigeendererwa eky’okutoonda abantu kinyonyoddwa mu bifo bingi ebirala mu Qur’an Entukuvu. Omuntu alina okuwangaala mu nsi eno mu kaseera katono nnyo akagere. Mu bulamu bunu obuumpi, alina okwetegekera ekiseera ekiwaanvu mu ntaana era n’olunaku olw’okulamulwa / olw’enkomerero. N’olweekyo akaseeraa ketulina kati kankizo nnyo. Ebiseera / Esaawa zidduka zibuuka. Tebiyiinza ku komekerezebwa oba okubifuga. Olussa lwetututte olumu teluyiinza kudda.

Okwediringanya kw’okusa

Sayyidunā Ḥasan Baṣrī رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, ‘Dduka! Dduka! Kiki ekyamazima ky’obulamu bwo – obulamu bwo bulimu enzisa. Bwekukoma, emirimu gyo gyofuniramu okusiimibwa kwa Allah عَزَّوَجَلَّ nogyo gikoma. Nsaba Allah عَزَّوَجَلَّ asaasire omuntu eyebalirira mu mirimu gye era n’akaaba kumaziga ng; ajjukira ebyonoono bye!’. Ng’agaamba bino, owekitiibwa Sayyidunā Ḥasan Baṣrī رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yasoma ayaa eya 84 eya Sūrah Maryam:

Tumaliriza okubala kw'abwe.

إِنَّمَا نَعُدُّ لَهُمْ عَدًّا

We are completing their counting.

[Kanz-ul-Īmān (Enzivvunula ya Quran)] (Ejjuzu eya 16, Sūrah Maryam, aya eya 84)

Ḥujjat-ul-Islam Sayyidunā Imām Muhammad Bin Muhammad Ghazālī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْوَالِي yagamba, 'Kuno okubala kitegeeze emiweendo egy'okusa.' (Iḥyā-ul-'Ulūm, vol. 4, pp. 205)

Olunaku lulaangirira...

Sayyidunā Imām Bayḥaqī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِي agamba mu kitabo kye *Shu'ab-ul-Īmān*: Nabbi wa Raḥmaḥ, Omuwolereza wa Ummaḥ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Olunaku lulaangirira buli gyo ng'omusana guvaayo 'Bwooba oyagala okukola emirimu emirungi leero, gikole kubaanga sijja kudda.'

(*Shu'ab-ul-Īmān*, vol. 3, pp. 386, Ḥadīṣ 3840)

Mwaami oba Mugeenzi!

Ab'olugamda abasiraamu! Tulina okukola emirimu emirungi mingi nnyo nga bwetusobola nga tuganyulwa mu buli lunaku olw'obulamu bwaffe era nga bwetusiinkana okufa kwaffe akaseera konna. Abantu abatuyita erinnya 'mwaami' enkya bayiinza okutuyita n'ekigambo 'mugeenzi'. Bwetuba tukikkiriza oba nedda, kyamazima ekita wakanyizibwa nti okufa kutuseemberera

mangu ddala. Nolweekyo, kigambiddwa mu Sūrah Al-Inshiqāq, aya eya 6:

يَا أَيُّهَا الْإِنْسَانُ إِنَّكَ كَادِحٌ إِلَىٰ رَبِّكَ كَدًّا فَلَمَّا فَتَّقِيهِ ۗ

Abange mwe abantu, mazima mulina okudduka eri Mukama
wamwe, era mu musisiinkane.

O man, indeed you have to definitely run towards your Lord,
and then to meet Him.

[Kanz-ul-Īmān (Enzivvunula ya Quran)] (Ejjuzu eya 30, Sūrah Al-Inshiqāq, aya eya 6)

Walumbe ajja mbagirawo

Abange mmwe aboonona obudde bwammwe obw’omuweendo omunene mu bitagasa! Mulwooze ku ngeri obulamu gyebudduka mu! Muiinza okuba nga mulabye ebiseera bingi nti omusajja omulamu obulungi affa mbagirawo. Kati tetumayi kiki ekimutuukako mu ntaana. Naye, alina okuba nga ategedde eky’amazima ky’obulamu.

Abaange mwe abayayaanira obugagga obw’ensi eno! Abaange mwe abatwaala okukungaanya obugagga nti kye kigeendererwa ky’obulamu! Mwanguweeko! Mwetegekere obulamu obw’oluvannyuma kubaamga mujja kuziikibwa mu ntaana ey’ ekizikiza kumakya newankubadde mwasuze bulungi ekiro. Kulwa Allah عَزَّوَجَلَّ Muzuukuke okuva mu tulo otw’ obubuyabuya. Allah عَزَّوَجَلَّ agaamba mu aya esooka eya Sūrah Al-Anbiyā:

إِقْتَرَبَ لِلنَّاسِ حِسَابُهُمْ وَهُمْ فِي غَفْلَةٍ مُّعْرِضُونَ ﴿١٧٧﴾

Okubalibwa kw'abantu kuli kumpi, era bakyuusizza amaaso gabwe mu bubuyabuya.

The accountability of the people is near, and they have turned their faces in negligence.

[Kanz-ul-Īmān (Enzivvumula ya Quran)] (Ejjuzu eya 17, Sūrah Al-Anbiyā, aya 1)

Okwejjusa kwabawaangaazi b'omu Jannah nabo!

Ab'oluganda basiraamu! Kitwetaagisa okutegeera omugaso gw'ebiseera byaffe. Okumala ebiseera byaffe eb'obulamu eb'yomuweendo mu bitagasa loosi nenne nyo nga Omwekitiibwa Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba,' Abantu b'omu Jannah tebajja kwejjusa kintu kyonna kungsi okujjako akaseera kebaamala nga tebakoze Zikr ya Allah عَزَّوَجَلَّ.'

(Al-Mu'jam-ul-Kabīr, vol. 20, pp. 93-94, Ḥadīṣ 172)

Akafumu k'ekalaamu

Hāfiẓ Ibn 'Asākir yawandiika mu *Tabyīn-u-Kaẓib-il-Muftarī*: Ekalaamu ya Sayyidunā Salīm Rāzī رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ (omumanyi omunene ow'ekyaasa eky'okutaano) bweyyagwaawo, ye رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yali agisoongola nga akola Zikr ya Allah عَزَّوَجَلَّ bwe kityo ebiseera bye teyabimalira mukusoongola kalaamu kwokka. (Newankubadde okukikolera ekiwandiiko ky'obusiraamu mulimu mulungi,

naye yali akuba ebinyonyi bibiri n'ejjiinja limu) Ye رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yanyulwaamu emirundi ebiri mu biseera bye.

Simba emiti mu Jannah!

Omugaso gw'ebiseera gumanyibwa mu ngeri nti oyinza okwesimbira omuti mu Jannah mu katikitiki, nga obeera ku nsi eno. Engeri y'okusimba omuti mu Jannah nyangu nnyo nga bwekyogerwaakwo mu Ḥadīš ya *Ibn-e-Mājah*, 'Omuti gujja kusimbibwa mu Jannah eri oyo ayogera bino: (1) سُبْحَانَ اللَّهِ (2) اللَّهُ أَكْبَرُ (3) لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ (4) الْحَمْدُ لِلَّهِ.'

(Sunan Ibn Mājah, vol. 4, pp. 252, Ḥadīš 3807)

Obulungi bwa Ṣalāt- 'Alan-Nabī ﷺ

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mu maze okuwulira nti kyangu nnyo okusimba omuti mu Jannah. Bw'oyogera ekimu ku bigambo eby'ogeddwaako wagulu, omuti gumu gusimbibwa era byonna ebigambo ebina (4) bwebyoogerwa emiti ena gisimbibwa kululwo mu Jannah. Kati muyiinza okumanya omugaso gw'ebiseera; emiti gisimbibwa gyoli mu Jannah mu kutambuza okutono okw'olulimi.

Singa tufuna emiti egitabalika egitusimbirwa mu Jannah nga tusoma 'سُبْحَانَ اللَّهِ سُبْحَانَ اللَّهِ' ekifo ky'okwonoona obudde bwaffe mu mbozi ezita gasa! Bwe tuba tuyimiridde, tutudde, tutaambula,

tugalamidde oba nga tukola, tulina okugezaako okusoma Ṣalāt-‘Alan-Nabī mu bungi, kubanga mulimu empeera nnene nnyo mu kkyo. Nabbi Omwagalwa era Owemikisa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, ‘Oyo ansaalira omulundi gumu, Allah عَزَّوَجَلَّ amusaako ensaasira 10 gyaali, amujjako ebibi 10 era n’amusitula amadaala 10.’ (*Sunan Nasāī, pp. 222, Hadīṣ 1294*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Jjukira! Bwoba nga olombojja ekintu kyonna nga ogalamidde, olina okufunya amagulugo.

Abaagalwa ab’oluganda abasiraamu! Singa tufuna omuze gw’okwebala ebighambo nga tetunnaba kw’ogera mu ngeri eno: Oba ekintu kyengenda okwogera kirina omugaso gw’ensi oba eddiini oba nedda. Bwekirabika nga tekigasa, tulina okulombojja Ṣalāt-‘Alan-Nabī oba okutandika okukola Žikr ya Allah عَزَّوَجَلَّ mukifo kyokwetaba mu mbozi etagasa wabula tufune ebyobugagga by’empeera. Oba tulina okugamba: ‘سُبْحَانَ اللهِ’ oba ‘الْحَمْدُ لِلَّهِ’ oba ‘لَا إِلَهَ إِلَّا اللهُ’ oba ‘اللَّهُ أَكْبَرُ’ twesimbire emiti mu Jannah.

Kisinga emyaaka 60 egy’okusiinza

Bwoba nga toyagala kulombojja kintu kyonna, oyinza okufuna empeera ne mukusirika. Mukifo ky’okulowooza ku by’okunsi ebitagasa, jjukira Allah عَزَّوَجَلَّ n’Omwaagalwa we Rasūl صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ mu kufumiitiriza oba fumiitiriza ku kumanya

kw'obusiraamu oba obulumu obungi obw'okufa, obuwuubaavu n'entiisa y'omu ntaana era n'entiisa y'olunaku lw'okulamulwa. Mu ngeri eno, ebiseera byo tebijja kwonooneka era buli lussa lw'omukka gwo **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ** luja kubalibwa nga okusiinza.

Kyayogerwa mu *Al-Jāmi'-uṣ-Ṣaghīr* nti Owekitiibwa Nabbi **صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ** yagamba, 'Okufumiitiriza (ku bikwaata ku bulamu obw'oluvannyuma) akaseera kisinga emyaaka 60 egy' okusiinza. (*Al-Jāmi'-uṣ-Ṣaghīr*, pp. 365, *Hadīṣ* 5897)

Bitano nga bitano tebinnabaawo.

Abaagalwa ab'oluganda abasiramu! Mazima, obulamu bumpi nnyo. Era kyamazima nti, ekiseera kyakati kyekyokka kyetulina mu ngalo. Essubi lyonna ely'okubeera n'obudde gyebujja sikirala wabula kwelimba. Kisobokera ddala nti tusingiinkana okufa kwaffe mukaseera akaddako keniyini. Rasūlullāh **صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ** yagamba:

**إِغْتَنِمْ خَمْسًا قَبْلَ خَمْسٍ: شَبَابَكَ قَبْلَ هَرَمِكَ وَصِحَّتَكَ قَبْلَ سَقَمِكَ
وَغِنَاكَ قَبْلَ فَقْرِكَ وَفَرَاغَكَ قَبْلَ شُغْلِكَ وَحَيَاتَكَ قَبْلَ مَوْتِكَ**

Okuvunnula: Ganyulwa mu bitano (ebintu) nga ebitaano tebinnabaawo (ebintu ebirala: (1) obuvubuka nga obukadde tebunnabaawo, (2) obulamu obulungi nga obulwadde tebunnabaawo, (3) obugagga nga obwaavu tebunnabaawo,

(4) ekiseera ky'eddeembe nga okukabassana (okubeera bize) tekunnabaawo ne (5) obulamu nga okufa tekunnajja.

(Al-Mustadrak, vol. 5, pp. 435, Ḥadīṣ 7916)

Ebyengera bibiri

Omwaagalwa era Ow'emikisa Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba: 'Waliyo ebyengera bibiri abantu byebalimbisiddwa. Ekimu kubyo bwebulamu obulungi n'ekiseera eky'eddeembe.'

(Ṣaḥīḥ Bukhārī, vol. 4, pp. 222, Ḥadīṣ 6412)

Abaagalwa ab'oluganda abasiramu! Tewali kubuusuabusa, omulwadde ategeera bulungi omugaso gw'obulamu obulungi okusinga oyo omulamu obulungi. Nabwekityo, oyo akabassana ennyo amanyi bulungi omugaso gw'obudde. Abo abalina obudde obungi obw'eddeembe tebatera kumanya mugaso gwebiseera bino eby'etteendo. Laba omugaso gwebiseera byo era bikoze mu ngeri esinga obulungi nga wewala embozi ezitagasa, emirimu egitagasa era n'emikwano egitagasa.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ عَلَى مُحَمَّدٍ

Obulungi bw'obusiraamu

Kiwandikiddwa mu *Sunan-ut-Tirmizī*: Ow'omukisa eri ensi zonna, Owekitiibwa Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba:, 'Okulekerera

ekyo ekitaagsa muntu kimu kubirungi omuntu byafuna kulw'obulungi bw'obusiraamu.'

(Sunan-ut-Tirmiḏī, vol. 4, pp. 142, Ḥadīṣ 2344)

Omugaso gw'ebiseera eby'omuwendo

Abaagalwa ab'oluganda abasiramu! Obulamu bulimu ennaku, esaawa n'ebiseera ebigere. Buli lussa dayamandi wa muwendo. Singa tuganyulwa mu buli lussa lw'omukka era netumala ebiseera byaffe nga tukola emirimu emirungi! Bwetwonoona ebiseera byaffe mu bintu ebitagasa n'ebibi tujja kukaaba amaziga ag'ennaku n'okwejjusa ku lunaka lw'okulamulwa nga tulabye ebitabo byaffe ebyemirimu nga bwebitalina mirimu mirungi. Singa tufumiitiriza kungeri gyetumala mu buli kaseera kaffe ak'obulamu. Tulina okugezaako okumala buli kaseera ak'obulamu bwaffe mu mirimu egigasa nga twewalira ddala okwonoona obudde mu mbozi n'engambo ezitagasa. Bwekitaba ekyo, tujja kwejjusa kulunaku olw'okulamulwa.

Ebigambo by'abo abaakozesa obulungi obudde

1. Amīr-ul-Muminīn, Sayyidunā 'Alī **كَتَمَ الْمُتَعَالَى وَجْهَهُ الْكَرِيمَ** yagamba, 'Zino ennaku mpaupala z'obulamu bwo, ziwunde n'emirimu emirungi.'
2. Sayyidunā 'Abdullah Ibn Mas'ūd **رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ** yagamba, 'Mpulira ennaku n'ensonyi ku lunaku lwemmala nga siyongeddeko ku mirimu gyange emirungi.'

Sayyidunā ‘Umar Bin ‘Abdul ‘Azīz رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba, ‘Obulamu bwo buyimpawa buli lunaku, kati lwaki oli mugayaavu mukukola emirimu emirungu?’ Lumu omuntu yamugamba n’obwetowaze, ‘Yā Amīr-ul-Mu`minīn! Guno omulimu gwelekereze era gwongereyo mu maaso okutuusa enkya.’ Ye رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba, ‘Kumpi simala mulimu gwalunaku mu lunaku; bwe nyongezaayo omulimu gwaleero okutuusa enkya, olwo naasobola ntya okumala emirimu gy’ennaku bbiri mu lunakau lumu? Toyongezaayo mirimu gyaleero okutuusa enkya, ojakubeera n’omulimu omulala enkya.

Sayyidunā Ḥasan Baṣrī رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, ‘Owange Omuntu! Obulamu bwo bwakolebwa mu enaku man. Olunaku bweluyita, ekitundu ky’obulamubwo nakyo kiyita.’ (*Ṭabqāt-ul-Kubrā lil-Manāwī, vol. 1, pp. 259*)

3. Sayyidunā Imām Shāfi’ī رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba, ‘Nasigala mu kinywi ky’abantu abalongoofu okumala akaseera akagereke, nga nfuna ebibala by’omwooyo. Nabayigako ebintu bibiri eby’omugaso: (1) obudde bulinga ekitala, olina okukisala (nemilimu emirungi) oba sikyo kijja ku kusala (nga okabassana mu bitagasa) ne (2) Tangira omwoyo gwo (Nafs); bwotagukumira mukukola emiliu emirungi, gujja kwemalira mu kukola emilimu emibi.’
4. Imām Rāzī رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, ‘Ndayira kulwa Allah عَزَّوَجَلَّ nnakuwala nnyo mu kaseera ak’okulya kubanga nnina

okuleka emilimu gye'ddiini (Okuwandiika n'okusoma). Obudde kintu kyamuwendo nnyo.

5. Hāfīz Ibn Hajar رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yayogera ku Sayyidunā Shamsuddīn Aṣḥāhānī قَدِيسٌ سُرُوهُ التُّورَانِي (omumanyi owa Shāfi'i eya yatiikirira mu kyasa ekya 8): Ye رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yali alya katono mu kutya okwonoona obudde nga addiringana okugenda mu kabuyonjo.

(Ad-Dur-rul-Kāminah lil-'Asqalānī, vol. 4, pp. 328)

6. 'Allāmah Zāhbi رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yawandiika mu Tazkira-tul-Huffāz ku Khaṭīb-e-Baghdādī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللهِ الْهَآوِي 'Ye رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yali asoma ne bweyali nga atambula (obudde obumutwalira okuva mukifo ekimu okutuuka mu kirala buleme kwonoonwa). *(Tazkira-tul-Huffāz, vol. 3, pp. 224)*

7. Sayyidunā Junayd Baghdādī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللهِ الْهَآوِي yali asoma Quran mu kaseerake ak'okufa. Omuntu yabuuza nga yewunyizza, 'Okusoma ne mukaseera kano.' Ye رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yamuddamu, 'Ekitabo kyange eky'emilimu kiri mukuggalwa, nabwekityo nyongerezaako emilimu emirungi mubwangu.'

(Ṣīd-ul-Khāṭir li Ibn-ul-Jauzī, pp. 227)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Tegeka olukalala lw'emilimu

Abaagalwa ab'oluganda abasiramu! Bwekiba kisoboka, mutegeke olukalala lw'emilimu gyemmwe ejabulijjo. Okusookera

ddala, gezaako nga bwosobola weebake mu essaawa bbiri oluvanyuma lw'okusaala Salât-ul-'Ishâ. Embozi n'engambo zetukola n'emikwano gyaffe (ezitalina mu migaso gyaddiini) ekiro mu mawoteeli, ebiduula newalala, kufiirwa Kunene. Kiwandikiddwa mu *Tafsîr Rûh-ul-Bayân*, voliyumu 4, olupapula 166: 'Ezimu kunsonga z'okuzikiriza omulembe gwa Lût kyali nti baatuulanga kumakubo ne baseka era nebasaaagirira.'

Abaagalwa ab'oluganda abasiramu! Dear Islamic brothers! Mukaankane mu kutya Allah **عَزَّوَجَلَّ**! Newankubadde emikwano gyamwe gifaanana nga egitya mungu, mulina okufuba okweewala abo ababeerabiza okujjukira Allah **عَزَّوَجَلَّ**. Mweebake maangu nga mumaze okutuukiriza emilimu gyamwe egy'eddiini egye'kiro kubanga okuwummula ekiro kisiinga okuwummula emisana eri obulamu ate nga kya buttonde. Kyogeddwaako mu Sûrah Al-Qaṣaṣ, verse 73:

وَمِنْ رَحْمَتِهِ جَعَلَ لَكُمْ لَيْلَ وَالنَّهَارَ لِتَسْكُنُوا فِيهِ وَلِتَبْتَغُوا
مِنْ فَضْلِهِ وَلَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿٧٣﴾

Mukusaasira kwe yabatoondera ekiro n'emisana, muwummule ekiro ate mu noonye ebyengeraa bye emisana, era kukino muyinza okukkiriza amazima.

And out of His mercy He made the night and the day for you, that you may rest during the night and seek His bounty during the day, and for this you may accept the truth.

[*Kanz-ul-Īmān (Enzivvumula eya Quran)*] (*Ejjuzu eya 20, Sūrah Al-Qaṣaṣ, aya 73*)

Nga ayogera ku ayaa eno, Ḥakīm-ul-Ummat Mufti Aḥmad Yār Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الْعَالَمِينَ yawandiika ku lupapula 629 olwa *Nūr-ul-‘Irfān*, ‘Ayaa eno ekitangaaza bulungi nti okuwummula ekiro n’okukola emisana kyekisiinga obulungi. Tosigala ng’otunula ekiro ngatekyetaagisa, era tomala misanaagyo mu bitagasa. Naye, omuntu bwaaba nga yeebaka emisana ate ng’akola ekiro olw’omulimu gwe, tewali kabi mukukola bwaatyō.

Obulungi bw’okumakya

Era kirungi okutunula mu buttonde bw’omulimu gwo nga tonnaba kutegeka lukalala lwa mirimu. Okugeza, ab’oluganda abasiramu abeebaka maangu ekiro babeera baggya (fureeshi) ku makya. Nolweekyo, kumakya kulungi okukoleramu eby’obuyivu nga okusoma. The following Edduwā eno eya Rasūlullāh صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ eri mu *Sunan-ut-Tirmizī*: ‘Yā Allah عَزَّوَجَلَّ yoongeza emikisa mu makya ga Ummah yange.’

(*Sunan-ut-Tirmizī, vol. 3, pp. 6, Ḥadīṣ 1216*)

Ku Ḥadīṣ eno, Mufti Aḥmad Yār Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الْعَالَمِينَ yagamba, ‘Kitegeza nti, (Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ) yoongeza emikisa mu milimu

gy'ediini n'ensi Ummah yange gyeekola kumakya. (okugeza; okutambula, okusoma, okusuubula, nebilala)

(Mirāt-ul Manājīh, vol. 5, pp. 491)

Gezaako okutegeka obulungi emirimu gyo gyonna egy'olunaku okuva kumakya okutuusa obudde bw'okweebaka ekiro. Okugeza, Tahajjud kussaawa bweeti ne bweeti, okusoma eddiiniyo, Ṣalāt-ul-Fajr ne Jamā'at (ne Ṣalāh endala nazo) mu Masjid ne Takbīr esooka, Ishrāq, Chāsht, ekyeenkya, okupakasa okwa Ḥalāl, ekyemisana, emirimu gy'ewaka emirimu gy'olweggulo, ekinywi kyabaloongoofu (bwekiba nga kino tekisoboka, ekiwuubaavu kyekisiinga), okusisiinkana ab' oluganda abasiraamu kulw'ensoonga z'eddiini, nebirala.

Emirimu gyonna girina okuwaandikibwa n'essaawa zaagyō. Abo abatamanyidde kukikola bayinza okusaanga obuzibu muntaandikwa, naye mpolampola kijja kufuuka omuze gwaabwe era bajja kulaba emikisa gyaakyo bennyini, *إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ*.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Abaagalwa ab'oluganda abasiramu! Mu kukomekkereza okubuulira kwange, njagala njogere ku bulungi bwa Sunnah era ne ku Sunnah ezimu n'empisa. Nabbi owa Raḥmah, omuwolereza wa Ummah صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Oyo ayagala Sunnah yange anjagala ate oyo anjagala ajjakubeera naange mu Jannah.' *(Mishkāt-ul-Maṣābīh, vol. 1, pp. 55, Ḥadīṣ 175)*

Ebimuli 15eby'amagezi ebikwaata ku kweebaka n'okuzuukuka

1. Kuunkumula obuliri bwo bulungi nga tonnaba kubukozesa kweebaka nga ojjamu obuwuka obuluma nebirala, bwebibaawo.
2. Soma Edduwa eno nga tonnaba kweebaka:

اللَّهُمَّ بِأَسِيكَ أَمُوتُ وَأَحْيَا

Enzivunnula: Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ! Ku linnya lyo kwe nfiira era kwe nzuukira (okweebaka n'okuzuukuka).

(Ṣaḥīḥ Bukhārī, vol. 4, pp. 196, Ḥadīṣ 6325)

3. Teweebaka luvannyuma lwa Ṣalāt-ul-‘Aṣr kubaanga kiyiinza okukuletera okugwa eddalu. Rasūlullāh صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, ‘Oyo yenna abuza amagezige kulwokweebaka oluvannyuma lwa Ṣalāt-ul-‘Aṣr alina kunenya yekenyini.’
(Musnad Abī Ya‘lā, vol. 4, pp. 278, Ḥadīṣ 4897)
4. Okugalamiramu emisana kiri Mustahab. *(Fatāwā ‘Ālamgīrī, vol. 5, pp. 376)* Ṣadr-ush-Sharī‘ah, Badr-ut-Ṭarīqah ‘Allāmah Maulānā Muftī Muhammad Amjad ‘Alī A‘ẓamī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللهِ الْقَوِي yagamba, ‘Kino kiri eri abo abantu abasigala nga batunula ekiro nga basaala, abakola Žikr ya Allah عَزَّوَجَلَّ oba

abatawaana n'emisomo. Okugalamiramu kujjawa obukoowu obuleetebwa okutunula ekiro.'

(Bahār-e-Sharī'at, part 16, pp. 79)

5. Kiri Makrūh okweebaka kuntaandikwa y'olunaku oba wakati wa Maghrib ne 'Ishā. *(Fatāwā 'Ālamgīrī, vol. 5, pp. 376)*
6. Kiri Mustahab ekweebaka ng'oli muyoonjo.
7. Era kiri Mustahab okweebaka kuludda olwaddiyo ng' omukono gwaddiyo guli waansi w'ettama elyaddiyo ng' otunula mu Qiblaḥ akaseera era oluvannyuma ne weebaka kuludda olwa kkono. *(Fatāwā 'Ālamgīrī, vol. 5, pp. 376)*
8. Nga ogeenda okweebaka, lowooza ku 'kweebaka' mu ntaana awataja kubeera muntu yenna naawe okujjako emilimu gyo.
9. Nga ogeenda okweebaka, sigala nga okola Žikr ya Allah عَزَّوَجَلَّ (okugeza ng'ogamba: 'لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ' ne 'الْحَمْدُ لِلَّهِ') okutuusa lweweebaka kubanga omuntu azuukukira kumbeera yeemu gyeyeebakirako era ajjakuukuuzibwa ku lunaku lw'enkomerero mu mbeera gyeyafiramu. *(Fatāwā 'Ālamgīrī, vol. 5, pp. 376)*
10. Oluvannyuma lw'okuzuukuka, soma Edduwa eno:

الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي أَحْيَانَا بَعْدَ مَا أَمَاتَنَا وَإِلَيْهِ النُّشُورُ

Enzivunnula: Amateendo gonna ga Allah عَزَّوَجَلَّ Atuwadde obulamu oluvannyuma lw'okufa era eri yye gyetulina okudda.

(Ṣaḥīḥ Bukhārī, vol. 4, pp. 196, Ḥadīṣ 6325)

11. Oluvannuma lw'okuzuukuka, nuyirira ddala okwekwaatira ku mirimu emirungi era nga weewala okunyiiza abalala.
(Fatāwā 'Ālamgīrī, vol. 5, pp. 376)
12. Omuwala n'omuleenzi bwebatuuka emyaaka 10, balina okusuzibwa kubitaanda byanjawulo. Omuleenzi ow' emyaaka gino talina kwebaka namikwaano gye oba n' abasajja ku kitaanda kyekimu. *(Durr-e-Mukhtār, vol. 9, pp. 629)*
13. Omwaami n'omukyaala bwebebaka ku kitaanda kyeekimu, tebalina kukkiriza mwaana wa myaaka kkumi kwebaka nabo. Omuleenzi bwavubuka, ennamula y'abasajja yemukolako. *(Durr-e-Mukhtār, vol. 9, pp. 630)*
14. Kozesa Miswāk (okuyoonja amanyogo) bwozuukuka.
15. Okuzuukula ekiro okusaala Tahajjud mpisa nnungi nnyo.. Omwaagalwa era Owemikisa Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Oluvannyuma lwa Ṣalāḥ eya Farḍ, Ṣalāḥ esiingayo yeeyo esaalibwa ekiro.' *(Ṣaḥīḥ Muslim, pp. 591, Ḥadīṣ 1163)*

Okuyiga Sunan ezenjawulo, gula akatabo akayitibwa ‘*Sunnatayn aur Ādāb*’ (Sunah n’empisa) okuva mu Maktaba-tul-Madīnāh. Okutaambula ne Madanī Qāfilāh za Dawat-e-Islami n’abaagazi b’omutume nakyō kirunig nnyo era kiyaambira ddala mu kuyiga n’okukolera ku Sunnāh.

أَمِينٌ بِجَاهِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Akatabo kano kagabire omuntu omulala oluvannyuma lwokukasoma


Funa empeera ng’ogaba ebitabo ebifulumizibwa Maktaba-tul-Madīnāh ku mikolo gy’embaga, okuziika, Ijtimā’āt, ‘Urs (Edduwa), Mawuledi nemilala. Funa empisa ey’okutereka obutabo obumu mu dduukaalyo obugabire abaguzibo n’okunuyirira kw’okufunamu empeera. Weereza waakiri akatabo kamu akasomesa Sunnah oba Ebimuli bya Madani eri balilwaanaabo ng’abaana bakuyaambako, ng’okola kaweeefube w’okuyita eri obuloongoofu era nga bwofuna empeera.

OKUMULISA KWA SUNNAH

Ku lw'okusaasira kwa Allah ﷻ! eSunnah nyingi zi yigibwa era zi-somesetwa mu mbeera ya Madani eya Dawateislami, ekibina ekibulira Qur'an ne Sunnah muni yonna era ekitali kya politikisi, Kuno kusaba kwa Madani nti mwetabire mu ijimah ezaagazisa Sunnah ezi baawo buli wiki okuvanyuma lwa Maghrib buli Lwaakuna mu kibuga kyo, (mu Kololo Jamia Masjid, [Kampala]) n'enniya ey'okufuna okusimibwa kwa Allah ﷻ. Ne Niyah ey' okufuna empeera, kiteeke mu puruguramu zo okutaambula ne Madani Qafilah ezi kubiriza okukolera ku Sunnah, na'baagazi b'Omutume ﷺ juuzamu akatabo ka Madani In'amaat buli lunaku ng'okola Fikr-e-Madinah era okaweeyo eri oyo Zimmar (avunaanyitibwa kubutabo obwo owa Dawateislami) mukitoo kyo, Emikisa n'obalungi ebiri mu kino; ojakufuna endowooza n'obwaagazi oba okuyazaanira okukolera ku Sunnah, okufurwa ama-zaambi n'okukuuma obukkirizaabwo, **این کتاب اللہ عزوجل**. Buli oweluganda omusiraamu ayina okufuna endowooza eya Madani ni: "Nnina oku-lafuubana okwelongoosa nze sekinnoomu n'abantu b'ensi yonna, Oku-longoosa emyoozo gyafe, tuyina okukolera ku Madani In'amaat ate oku-longoosa abantu b'ensi yonna, tuyina okutaambula ne Madani Qafilah **این کتاب اللہ عزوجل**."



www.dawateislami.net



MC 1286

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagaran
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan.

UAN: +92 21 111 25 26 92 | Ext: 1262

Web: www.dawateislami.net | E-mail: translation@dawateislami.net